OMUKOLO NNATALABIKALABIKA NG'EKIMULI KY'ENDAGGU

Ensonga za Pere Mapeera ne Bro. Amansi zisindikiddwa e Roma

Nga 8 September 2018, bangi mu ffe twabisaamu engatto ne tugenda e Nabulagala ku Bujjajja bw'Obukatoliki mu Uganda okubaawo ng'abajulizi ng'okunoonyereza ku bulamu bwa Bajjajjaffe Pere Mapeera ne Bulaaza Amansi, basobole okulangibwa mu lubu lw'abeesiimi n'abatuukirivu, kukomekkerezebwa mu butongole ku mutendera gw'essaza. Omukolo nga guno "nnantalabikalabika ng'ekimuli ky'endaggu", ogwasooka wano mu Uganda gwali gw'Abajulizi ba Uganda (1915); ogwaddako gwali gw'Abajulizi Daudi Okello ne Jildo Irwa nga n'ogubadde gukyasembyeeyo gwe gwa Munsonyooli Aloysius Ngobya ne Sr. Amedeo Byabali (2016). Tusuubirayo omulala mu maaso awo ogwa Maama Keviina.

Omukolo guno gwafundikira ebimu kw'ebyo ebikulu ebyetagisa okukolebwaako ku mutendera gw'essaza mu kaweefube waffe ow'okusaba Omukama bajjajjaffe abo mu kukkiriza balangibwe mu lubu lw'abeesiimi n'abatuukirivu. Kati kaweefube ono yagenze ku mutendera oguddako ogusooka e Roma ogw'okwekebejja ebiwandiiko ebyaweerezeddwayo balabe obanga birimu eggumba okusobola okweyongerayo ku mitendera egyiddako.

Katwejjukanye ku "Wagyenvudde" w'ensonga eno

Ensonga eno okusooka yali ku Pere Mapeera yekka era tuyinza okugamba nti yatandika amangu ddala ng'ono yakafa mu 1890. Abakulu okuva mu ssaza Mapeera gy'azaalibwa (Arras) mu Bufalansa nga bakolaganira wamu ne ba White Fathers, baakwasa Fr. Nicq omulimu ogw'okuwandiika ekitabo ku bulamu bwe (*Biography*). Ekitabo ekyo kyafuluma mu kyapa mu 1895 era ne kitunda nnyo ne bawalirizibwa n'okuddamu okufulumyayo ekirala (*2nd edition*) mu 1905. Kino nakyo bwe kyaggwaawo ne bakubayo ekirala mu 1922 (*3rd edition*) ng'Abajulizi ba Uganda – ebimuli bya Mapeera - bamaze okulangibwa mu lubu lw'abeesiimi (1920). Omukulu eyawandiika ekitabo ekyasooka yesigama nnyo ku bbaluwa za Mapeera ze yawandiikira bakulu be mu Kibiina kya ba White Fathers mu Algiers awamu ne ze yawandiikira abeŋŋanda

ze. Ekitabo kino kyajjayo bulungi empisa ennungi ez'obukristu n'obuzira eza Pere Mapeera ffe abataamulabako kwe tusinziira okulowooza nti ddala asaanye alangibwe mu lubu lw'abeesiimi n'abatuukirivu.



Wano mu Uganda ekirowoozo eky'okusaba Katonda Pere Mapeera alangibwe mu lubu lw'abatuukirivu kiddayo mu mwaka gwa 1959. Mu mwaka ogwo nga 15 August, Pere Modeste Raux (1870-1965), ng'ono ye yamaliriza omulimu ogw'okuwandiika ekitabo ekyokubiri ku bulamu bwa Mapeera (*2nd edition*), yawandiikira Ssaabepiskoopi Joseph Cabana nga amusaba atandike mu butongole okunoonyereza ku bulamu bwa Pere Mapeera ne Ssaabasumba Leon Livinyake basobole okulangibwa mu lubu lw'abeesiimi n'abatuukirivu. Mu kumuddamu, Mgr Cabana yamusuubiza okulondoola ensonga ya Mapeera kyokka eya Mgr Livinyake n'amugamba nti Ssenkulu w'Ekibiina kya Ba-White Fathers ye yali alina okugiwomamu omutwe! Okusaba kwa Pere Modeste awo kulabika we kwakoma ng'ob'olyawo ekyo kyava ku nsonga nti mu kiseera ekyo kaweefube w'okulanga Abajulizi ba Uganda mu lubu lw'abatuukirivu eyali asirikiridde ekiseera ekiwanvu ennyo yali azuukusiddwa buto (1958) era nga kirabika nti ebirowoozo by'abakulembeze b'Eklezia mu Uganda mu budde obwo byonna byali ku Bajulizi!

Kalidinaali Nsubuga ye yazuukusa ensonga ya Mapeera. Nga 22 September 1987 yaggulawo mu butongole okunoonyereza ku bulamu bwe mu Kitambiro kya Missa mu Lutikko e Lubaga. Kyokka lwo olusa (*nihil obstat*) okuva e Roma yalufuna nga 13 January 1988. Omulimu yagukwasa akakiiko akaali kakulemberwa Bp. Joseph Mukwaya. Omutiibwa Jjajjaffe Emmanuel Kalidinaali Wamala naye bwe yajja n'ayayongereza okwo.

Bro. Amansi aggattibwa ku kunoonyereza



Mu budde bwa Kalidinaali Wamala, naddala ng'ekigo ky'e Nabulagala kiteekebwateekebwa okuggulwaawo mu 2005/6, waaliwo okusaba okuva mu bakristu abatali bamu nti Bro. Amansi naye aggattibwe ku munywaanyi we Mapeera anti nga bombi baaloza ku kikompe kye kimu eky'ennaku n'ebizibu bye baasanga nga bayigiriza eddiini mu Uganda n'e Tanganyika. Ssaabasumba Dr. Cyprian Kizito Lwanga ensonga ya Amansi yagiwuliriza era n'asaba Roma naye atandike okunoonyerezebwako nga munne Pere Mapeera era olusa n'alufuna nga 18 June 2010. Mu kiseera ky'ekimu Roma yasaba Ssaabasumba okuzza obuggya enteekateeka zonna ez'okunoonyereza ku Pere Mapeera ng'alonda Akakiiko akalamuzi ak'essaza (*Diocesan Tribunal*) n'abantu abalala ob'okukola ku nsonga eno nga bwekirambikiddwa Ekitongole ekikola ku Batuukirivu era nga kino yakikola nga 6 November 2016 mu Lutikko e Lubaga.

Omukolo Nnatalabikalabika

Oluvannyuma lw'emyaka ebbiri omulimu gw'okunoonyereza ku bulamu bw'abaweereza ba Katonda (*Servants of God*), Pere Mapeera ne Bro. Amansi, gwaggalwaawo mu butongole ku Lunaku kwe tukuliza Amazaalibwa ga B. Maria nga 8 September 2018. Omukolo guno nantalabikalabika gwali mu kifo wennyini bajjajjaffe abo webaatandikira omulimu ogw'okuyigiriza eddiini mu Uganda era nga kati webagalamidde. Ekitambiro kya Missa kye kyasooka wo era bwe kyaggwa olwo Omukolo ogwo (*Solemn Clossing Session*) ne gutandika nga gukulemberwamu omusigire wa Ssaabasumba, Mgr Gerald Kalumba. Ssaabasumba eyali ow'okukulemberamu omukolo guno teyasobola kubaawo.

Ekinyusi ky'omukolo guno kyali kya kuwaayo mu buwandiike obujulizi bwonna obwali bukuŋŋaanyiziddwa okuva ku bantu abasukka mu 45 awamu n'ebiwandiiko ebitali bimu ebifa ku bajjajjaffe abo – nga bino byonna byasukka mu mpapula (*pages*) emitwalo ebiri. Abakulu abaali baakwasibwa obuvunaanyizibwa obw'okunoonyereza kuno be baawaayo ebiwandiiko bino awamu n'okulayira nti byonna byakolebwa ng'amateeka ga Vatican agakwata ku nsonga eno bwegalagira. Ebiwandiiko bino byassibwaako envumbo (*seal*); ebimu nebiweerezebwa e Roma ate ebirala ne bitwalibwa mu 'tterekkero ly'ebiwandiiko' (*Archives*) ery'essaza e Lubaga gye birina okusigala nga bisibe n'envumbo ng'okubisumulula balina kumala kufuna lusa okuva e Roma.

Gakyali mabaga

Mu bubaka obwatuweebwa Kitaffe Ssaabasumba Dr. Cyprian Kizito Lwanga awamu ne Jjajjaffe Kalidinaali Wamala obukwata ku mukolo ogwo, baatutegeeza bulungi nti kaweefube waffe okulaba nti Pere Mapeera ne Bro. Amansi balangibwa mu lubu lw'abatuukirivu yali tannaggwa. Baatugamba kaati (ng'omuyizzi amaze okutega) nti 'gaali gakyali mabaga'! Kino baakikola si kutumalamu maanyi na ssuubi, wabula okutujjukiza nti 'olugendo

lwali lukyali luwanvu' era nti omukolo guno kwali kuwummulamu buwummuzi nga tulina okweyongerayo, anti bajjajjaffe baalugera nti: 'Okuwummula, si kutuuka!' Era baatujjukiza nti tukyalina okwegayirira ennyo tufune ebyewuunyo Roma by'akyetaaga ate era ne batusaba n'okudduukirira mu by'ensimbi ezetagisa okutambuza emitendera egiddako.

Maama Maria ali naffe

Pere Modeste, kati agalamidde mu limbo e Lubaga, yasalawo okuwandiika ebbaluwa esaba ensonga eno eyanjulwe e Roma, ku lunaku lw'Okutwalibwa kwa Nnyaffe B. Maria mu Ggulu. Kyewuunyisa okulaba nti omukolo ogufundikira omutendera gw'essaza oluvannyuma tugende ku mitendera egiddako e Roma, nagwo gwaliwo ku lunaku olukulu olw'Amazaalibwa ga Nnyaffe B. Maria. Ku nsonga eno, Ssaabasumba bwaati bwe yagyebuulirirako mu bubaka bwe:

> "Omukolo gwaffe guno tugukoze ku lunaku olukulu olw'Okuzaalibwa kw'Omubeererevu Maria Omutuukirivu. Ndowooza nti Omukama ayagadde okutujjukiza nti ng'okuzaalibwa kwa Nnyaffe B. Maria bwe kwalangirira okuzaalibwa kw'Omulokozi, Mukama waffe Yezu Kristu, n'okutuuka kwa Bajjajjaffe bano wano mu Uganda bwe kwalangirira okuzaalibwa kw'Ekelezia wa Kristu mu Uganda. Maama oyo Bajjajjaffe abo gwe baatuyigiriza n'okutwagazisa ennyo tumukwase emitendera gyonna eginaddirira gitambule bukwakku."

Ate ye Jjajjaffe Kalidinaali Wamala mu bubaka bwe ensonga eno yajogerako bwaati:

> "Abooluganda, tuggalawo omutendera guno n'okuwaayo ebivudde mu mulimu gwaffe nga tusinziira wano e Nabulagala mu kifo wennyini Bajjajjaffe we baatandikira omulimu ogw'okuyigiriza eddiini mu nsi yaffe era nga kati webagalamidde, ku lunaku olwa 8 September lwe tukuza amazaalibwa ga Nnyaffe Biikira Maria, Bajjajjaffe abo gwe batuwongera awamu n'omulimu gwabwe. Tweyambe omukisa guno okukwasa Nnyaffe oyo omulimu gwaffe agwanjule eri Omwana we Mukama waffe Yezu Kristu, guveemu ebibala ebigusaanira era ffenna bye twesunga."

Bajjajjaffe Pere Mapeera ne Bro. Amansi awamu ne bannaabwe beesiga nnyo B. Maria nga bwe tusoma mu ssaala yaabwe ey'okumwesingira ku matandika g'obutume bwabwe wano mu Uganda: "Tukakasa nti buli kirungi kyonna ekinaakolebwa wano kinaba kikoleddwa Maria era ekitiibwa kyonna kinadda gy'ali."

Naffe nno bazzukulu baabwe nga Ssaabasumba ne Kalidinaali bwe bwatusabye, Nnyaffe oyo ow'ekisa tumukwase omulimu gwaffe guno nga tuli bagumu nti tajja kutwabulira nga bwatayabulira bajjajjaffe abo abamutumanyisa n'okumutwagazisa.

Tusimbe mu kisinde kya Mapeera ne Amansi

Katekismu ng'eyogera ku nsonga lwaki Kelezia Katolika erangirira abamu ku bakkiriza mu lubu lw'abatuukirivu bweti bw'etuyigiriza:

"Mu kulangirira abamu ku bakkiriza mu lubu lw'abatuukirivu, kwe kugamba nti okulangirira mu ngeri ey'ekitiibwa nti baayiisa empisa ez'obuzira n'okugondera enneema ya Katonda, mubo Kelezia erabiramu amaanyi ga Mwoyo Mutuukirivu ali mu ye bwetyo n'essa essuubi mu bakkiriza *ng'ebateerawo abatuukirivu abo ng'ekyokulabirako n'akubawolereza. Abatuukirivu bulijjo babadde nsulo ya kwezza buggya naddala mu biseera ebizibu mu byafaayo bya Kelezia".* (Namba 828).

Nga tugenda mu maaso ne kaweefube waffe ow'okusaba Katonda Pere Mapeera ne Bro. Amans balangibwe mu lubu lw'abeesiimi n'abatuukirivu, era nga tusinziira ku njigiriza y'Eklezia eyo waggulu ekwata ku batuukirivu, tufube okwongera okumanya ebikwata ku bulamu n'obutume bwa bajjajjaffe abo, tubatwale olukoba mu mpisa zaabwe ez'obuzira n'okugondera enneema ya Katonda, mu ngeri eyo babe ensulo yaffe ey'okwezza obuggya mu kujulira Kristu naddala mu biseera bino omuli okusomooza okungi eri Eklezia mu Uganda bo bennyini gyebaali abasaale mu kutandika wo.

(Laba Website yaffe: mapeeraandamans.org)

Jjajja Mapeera